



# Empaka za Fortebet zicamudde ab'e Jinja

OMUPIIRA ogwategekeddwa kkampuni ya Fortebet wamu ne ambasada waayo, Alex Muhangi gwalese ab'e Jinja basanyufu olw'ebinnonoggo ebyagubaddemu.

Kyaddiridde ttiimu okuva ku ttabi lya Jinja Basement erisangibwa ku katale k'e Jinja okusitukira mu kikopo ne ssente ebyategekeddwa Fortebet.

Baafunye 500,000/-, ekikopo, emipiira n'emijoozi. Ttiimu eyakutte ekyokubiri yafunye 300,000/-, emipiira n'emijoozi ate ttiimu endala 6 ezeetabye mu mpaka zino ne zifuna ssente enkalu, emijoozi n'emipiira.

Omupiira guno gwetabiddwaako ttiimu ezaakiikiridde amatabi ga Fortebet agali e Jinja.



Muhangi ng'akwasa abawanguzi ekikopo ne ceeke.